# EBIKWAATA KU POLIISI 101 BYEWAYAGALA OKUMANYA
## *Naye notya okubibuuza*



LUGANDA

Commonwealth Human Rights Initiative

Human Rights Network-Uganda

British High Commission-Kampala

Ekitabo kino kitegekeddwa ekitongole kya:

Human Rights Network Uganda wamu ngakiyita mu National Coalition on Police Accountability and Security Sector Reform

Plot 94, Old Kiira Road, Ntinda
P. O. Box 21265 Kampala
Tel 1: +256 (0) 414286923
2: +256 (0) 414286881
Fax: +256 (0) 414286881
Email: info@hurinet.or.ug
Website: www.hurinet.or.ug

Nga bakolera wamu ne:

**Commonwealth Human Rights Initiative**

B–117, 2nd Floor, Sarvodaya Enclave, New Delhi – 110 017
Tel: +91 –(0)11 4318 0200
Fax: +91 –(0)11 2686 4688
E–mail: info@humanrightsinitiave.org
Website: www.humanrightsinitiative.org

Ekitongole kya Commonwealth Human Rights Initiative (CHRI) kitongole ekyetengeredde, ekitesigamiziddwa ku by'abufuzi wano mu ggwanga oba mu nsi yonna nga kino kyekivunanyiizibwa okukakasa nga ddala eddembe ly'obuntu liteekebwa mu nkola mu mawanga gonna agassa ekimu ne Bungereza (Commonwealth). Ekitongole kino ekya CHRI kyatandikibwawo abakugu okuva mu mawanga agassa ekimu ne Bungereza mu mwaka gwa 1987; nga kirina ekitebe kyakyo ekikulu mu kibuga New Delhi, ekya Buyindi era nga kirina ne w'ofiisi mu mawanga amalala nga Accra ekiga kya Ghana, ne London, ekya Bungereza. Ensonga ezekuusa ku mbalirira n'okwenyigira mu by'obufuzi – okufuna obwenkanya n'okumanya kyekiri ku mutima gw'ekitongole kino ekya CHRI. Ekitongole kino ekya CHRI era ky'ekebejja omutindo gw'eddembe ly'obuntu mu mawanga agassa ekimu ne Bungereza, nga gatunuulira abalwanirizi b'eddembe ly'obuntu, okusinziira ku nkola ey'ensi yonna eri amawantga agassa ekimu ne Bungereza n'ekitongole kyensi yonna ekirwanirira eddembe ly'obuntu ekya United Nations Human Rights Council.

Ekitongole kya HURINET-U ne kya CHRI bisiima omulimu ogw'ettendo ogukoleddwa ekitongole kya Poliisi mu kuwandiika akatabo kano.

Okirizibwa okweyambisa ebiri mu katabo kano singa olaga gy'ebeisimbuddwa.

**Kitegekeddwa:** Nsenga Peter Daniel

**Kirambuluddwa:** Sunaina Coelho

**Kikubiddwa:** Design Nest Ltd

**Wamu n'obuyambi okuva mu:** The British High Commission in Kampala

**2013**

British High Commission-Kampala

# EBIKWAATA KU POLIISI 101 BYEWAYAGALA OKUMANYA

*Naye notya okubibuuza*



## Ebisooka

Poliisi emirimu gyayo egikolera mu bantu ababulijjo okugeza; okulagirira ebidduka ku nguudo, okugumbulula obw'egugungo, okuwerekera ku abo ababa batwalibwa mu kkooti, okuwa obujulizi, okuwandiika okwemulugunya ku abo abaliko bebemulugunyako ku poliisi saako okutwaala abamenyi b'amateeka wamu n'abaserikale gye betaagibwa. Ekituufu kiri nti, abantu abasinga mu Uganda kitono nnyo kyebamanyi ku poliiisi. N'ebitonotono abantu bye bamanyi ku poliisi babifuna okuva mu mpapula z'amawulire, emikutu gya TV n'ebyogerwa abantu. Buli omu alina endowooza ye oba kyamanyi ku poliisi wadde nga sibyonna nti bisanyusa.

Munsi ezabukalamu edda demokulasiya, poliisi tezinira ku ntoli za gavumenti eri mu buyinza. Okusinziira ku ssemateeka buvunanyizibwa bwa poliisi okukuuma abantu bonna n'ebyabwe. Era nga bweguli ku bitongole ebirala, omusaala gw'omupoliisi gugibwa ku nsimbi z'omuwi w'omusolo. N'olwekyo abantu bonna kibakakatako okulaba nga poliisi etuukiriza obuvunanyizibwa bwayo.

Kikulu okumanya nti nga poliisi bwerina obuvunanyizibwa eri abantu bonna, abantu nabo balina obuvunanyibwa eri poliisi. N'olwekyo, abantu tebalina kutya oba kukyaawa poliisi oba okulinda bamale kufuna buzibu balyokke bagende eri poliisi. Balina okukolaganira awamu okukwaasisa amateeka, okutegeera emirimu gyabwe n'okusomoozebwa kwebasanga, emirimu gyebalina okukola n'engeri gyebagikolamu, ekitongole kyabwe engeri gyekiddukanyaamu emirimu, saako emirimu poliisi n'obuyinza bwabwe wa webulina okukoma.

Emirundi mingi abantu baba n'ebibuuzo byebaagala okumanya ku poliisi, naye nebatya okubibuuza. Ekitabo kino kikugondezaamu nga kikubuulira ebikulu ku poliisi era nga kireteddwa n'esuubi nti abantu bajja kutegeera poliisi yabwe n'eddembe lyabwe era nga kino kijja kubasobozesa okubanja empeereza ennungi poliisi gyegwanidde okubawa.

# EBIRIMU

Ebisooka ------------------------------------------ii
Acknowledgement ------------------------------------ viii

**A. EBYANJULA POLIISI YA UGANDA -----------------------1**

1. Uganda Police yeruwa?------------------------------------1
2. Lwaki tuba ne Poliisi? ------------------------------------1
3. Mateeka ki agafuga poliisi? ---------------------------------2
4. Waliwo Etteeka ery'enkomeredde erirambulula emirimu gya poliisi-------------------------------------------2
5. Police Act ekwaataganira wa ku bantu ababulijjo? -----------2
6. Ate Criminal Procedure Code Act eyawukana etya ku Penal Code Act?-------------------------------------2
7. Poiisi erina buyinza ki? -------------------------------------3
8. Uganda erina Poliisi za mirundi emeka? -------------------3
9. Poliise erina ebyambalo (Uniforms) byabika bimeka? ---------3
10. Ntegeera ntya nti omukungu wa poliisi ssi wakitongole kirala? --4
11. Tulina ebitebe bya poliisi (stations) bimeka mu ggwanga?------5
12. Nkolagana ki eriwo wakati wa poliisi n'amagye? -------------5
13. Abakuumi ab'obwananyini (private security guards) nabo abayamba okuziyiza obuzzi bw'emisango mu bantu nabo b'ofiisa ba poliisi? ---------------------------------------6
14. Omuntu yenna asobola okufuuka omukungu wa poliisi?-------6
15. Nsobola ntya okwegatta ku poliisi y'eggwanga? -------------6
16. Biki bye nina okutendekebwa okufuuka omupoliisi? ----------7
17. Tulina ba ofiisa ba poliisi abamala? ------------------------7
18. Waliwo abapoliisi abakyala? -----------------------------7
19. Abapoliisi abakyala baba n'emirimu gyanjawulo? ------------7
20. Mu poliisi waliwo omukisa lwegujja nga gw'abakyala oba baami okwegatta ku poliisi -------------------------------8
21. Lwaki kikulu nnyo abantu bonna ababuli ngeri okukiikirirwa mu poliisi? -----------------------------------------8
22. Bukulu ki oba mayinja ki agenjawulo agaweebwa abapoliisi? ---8

23. Omupoliisi ow'ebidduka (traffic officer) asobola okukwaata omusango omulala gwonna nga ogyeeko ogukwaata ku bidduka eby'okunguudo? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -8
24. Ani avunanyizibwa ku ba poliisi? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -9
25. Ani avunanyizibwa ku ssenkulu wa poliisi? - - - - - - - - - - - - - - - - - - -9
26. Omupoliisi alina okugondera ekiragiro oba ebiragiro byonna okuva eri abo abamusingako oba bakamabe ababavunanyizibwako nga Minista? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -10
27. Ania asasurira poliisi? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -10
28. Ani akakasa embalirira eyo n'ensasaanya y'ensimbi ezo?- - - - - -10
29. Tutegeera tutya nga ensimbi poliisi zefuna zibaako embalirira? -10
30. Omulimu gw'obwa poliisi guteeka obulamu bwabwe mu katyabaga. Abapoliisi basasulierwa mu "yinsuwa"? - - - - - - - - - -11
31. Omupoliisi ddi lwatabeera ku mulimu? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -11
32. Nsobola okusasulira omupoliisi okunkuuma? - - - - - - - - - - - - - - -11
33. Abapoliisi bakirizibwa okutambulirare mu mmotoka z'olukale oba okuggya ebintu mu katale nga tebasasudde? - - -11

**B: OKULOOPERA POLIISI OBUMENYI BW'AMATEEKA - - - - - - - - - -12**

34. Waliwo enjawulo wakati wa CIID ne CID? - - - - - - - - - - - - - - - - - - -12
35. Omupoliisi aba wanjawulo ku CID? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -12
36. Ntegeera ntya nti ddala wa CID? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -13
37. Njawulo ki eriwo wakati w'emisango gino 'criminal case' ne 'civil case'? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -13
38. Singa mbadde njagala okuloopera poliisi obumenyi bw'amateeka, nkola ntya? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -13
39. Ani alina okuloopera poliisi omusango? - - - - - - - - - - - - - - - - - - -14
40. Nina kugenda ku poliisi yokka eninaanye oba nsobola okuloopera poliisi yonna gyemba ndabye? - - - - - - - - - - - - - - - - -14
41. Ku poliisi basobola okugaana okuwandiika okwemulugunya kwange mu kitabo? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -15
42. Watya singa okwemulugunya kwange ddala kuli mu mateeka naye omupoliisi n'agaana okukuyingiza mu kitabo. Kiki kyenina okukala? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -15
43. Kikulu okuwaayo omusango gwange mu buwandiike (statement)? - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - - -15

44. Biki bye nina okussa mu bwongo nga mpandiika okwemulugunya kwange ku poliisi ---------------------15
45. Nkakasa ntya nga ddala owapoliisi by'awandiise byonna byebyo byemugambye mu butuufu bwabyo? -------------16
46. Bwemmala okwemulugunyiza poliisi, kiki ekiddirira? --------17
47. Ate emisango egyekuusa ku bakyala n'abaana – waliwo ekitongole ekyenjawulo ekikola okunoonyereza ku nsonga nga ezo? -----------------------------------17
48. Ekipapula poliisi kwevunaanira emisango –'bakuntumye' (charge sheet) kyeki? -------------------------------18
49. Buli muntu amenyebwa mu kwemulugunya ku poliisi alina okukwaatibwa? ------------------------------------18
50. Poliisi esobola okuggalawo okwemulugunya kwange n'ebiviirako ddala? -----------------------------------18
51. Nina okutegeezebwa ebigenda mu maaso ku musango gwange? -----------------------------------19
52. Kiki kyemba nina okukola singa poliisi eremererwa okukola okunonyeereza ku kwemulugunya kwange, okulwaawo ennyo oba okugaana okubuuliriza ku nsonga ezitegeerekeka? ------19
53. Nsobola okuyita owa poliisi buli wonna wenjagalira? --------19

**C: EDDEMBE LYO N'OBUVUNANYIZIBWA BWO--------------20**

54. Omupoliisi buli kyangamba nina okumugondera?-----------20
55. Nina okukolagana ne poliisi? ---------------------------20
56. "Community policing" kitegeeza ki? ---------------------20
57. Buvunanyizibwa ki abantu bwe balina okutuukiriza mu nkola eno eya community policing? ---------------------20
58. Omupoliisi bw'ansaba okugenda ku poliisi, nnina okugendayo?-21
59. Owa poliisi bw'ambuuza ebibuuzo byonna nina okubiddamu? -21
60. Buvunanyizibwa bwa mupoliisi okunyamba nga nzitowereddwa?21
61. Nsobola okusaba poliisi okunyamba okumalawo obutakkaanya mu maka gange? -----------------------21
62. Singa tewaba wa poliisi, abantu ababulijjo basobola okukwaata ateeberezebwa okuba omumenyi w'amateeka? ---22
63. Abantu tebakkirizibwa kubonereza oyo gwebateebereza okumenya amateeka?---------------------------------22

64. Poliisi esobola okunemesa okweetaba mu lukungaana oba olukiiko lwa bonna? ------------------------------------23
65. Poliisi ekkirizibwa okukozesa amaanyi okulemesa enkungaana oba okwekalakaasa ku nguudo?---------------23
66. Poliisi ddi lwerina okufulumya amasasi? ------------------24
67. Poliisi kiki kyerina okukola singa ekibinja ky'abantu bagitabukira nebatandika n'okubakasuukirira amayinja saako okwonoona ebintu ---------------------------------24
68. Ddembe ki lyemba nalyo nga maze okukwaatibwa poliisi? ----25
69. Poliisi esobola okunkwaata nebaako wenkuumira mu kifo ekyekusifu oba netabaako gwetegeeza kukukwaatibwa kwange? ------------------------------26
70. Omupoliisi asobola okunkuumira ku poliisi oba nsobola okuva ku poliisi wonna wenjagalira? ----------------------27
71. Singa ate owa poliisi annemesa okuva ku poliisi, nina kukola ntya? ------------------------------------------27
72. Habeas corpus kitegeeza ki? -----------------------------27
73. Waliwo engeri endala yonna ey'okuzuula omuntu eya kwaatibwa poliisi naye nga tamanyiddwa wa waali?----------28
74. Omupoliisi asobola okunkwaata nga tambuulidde nsonga lwaaki?------------------------------------------28
75. Poliisi bweba nga nze gweteebereza okuzza omusango esobola okukwaatiramu n'abewange? -------------------28
76. Omupoliisi asobola okujja ewange eka nga simuyise nayingira nanjaza nabaako n'ebintu by'atwaala?--------------------29
77. Search warrant kitegeeza ki? -----------------------------29
78. Waliwo amateeka agenjawulo mu kwaaza n'engeri abakyala gyebalina okuyisibwamu nga bali mu kkomera?-------------30
79. Waliwo amateeka agenjawulo agakola ku baana? -----------30
80. Mu kkomera nina kumalamu bbanga ki? -------------------31
81. Lwaaki abantu abakwaatibwa nebasibwa ku lw'okutaano bakuumirwa mu bubuukulu bwa poliisi okutuusa ku Bbalaza? -32
82. Abantu bategeera batya gyendi? --------------------------32
83. Ddembe ki lyenina okuba nalyo mu kaduukulu ka poliisi? -----32

84. Omupoliisi asobola okunkaka okubaako byempandiika ku poliisi oba okwetonda? - - - 32
85. Eddembe ly'omuntu ateeberezebwa okuzza omusango lirina engeri gyeriremesaamu poliisi okukola emirimu gyayo? - - - 33
86. Naye amateeka ate nga mangi agakuuma abavunaanibwa? Olwo ate abo bebasobezza? - - - 33
87. Police bond oba akakalu ka poliisi kitegeeza ki? - - - 33
88. Ate Omusingo (bail) gwo gutegeeza ki? - - - 34
89. Buli muntu wa ddembe okusaba okuteebwa ku kakalu ka poliisi (Police bond)? - - - 34
90. Olwo nkola ntya poliisi bwegaana okunta ku kakalu kaayo? - - - 34
91. Singa poliisi enta ku kakalu kaayo kitegeeza ndi waddembe okulya obutaala? - - - 34

**D: OKWEMULUGUNYA KU BAPOLIISI - - - 35**

92. Abapoliisi bali wa ggulu w'amateeka? - - - 35
93. Abapoliisi bo byebaagala byebakola? - - - 35
94. Watya singa omupoliisi ate alemererwa okugoberera amateeka? - - - 35
95. Omupoliisi asobola okubonerezebwa singa azza omusango? - - - 35
96. Kiki kyemba nina okukola singa omupoliisi alemererwa okunyamba? - - - 36
97. Nsobola ntya okwemulugunya ku mupoliisi era nina ku kikolera wa? - - - 36
98. Kiki ekiddirira okwemulugynya kwange? - - - 37
99. Singa nemulugunyiza mu poliisi munne tasobola kugaana kwongerayo kwemulugunya kwange eri mu poliisi munne? - - - 38
100. Wa awalala wensobola okutwaala okwemulugynya kwange? - - - 38
101. Ekitongole ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu ki Uganda Human Rights Commission kiyamba kitya okulaba nga poliisi tekozesa bubi buyinza bwaayo? - - - 39

**EBIGATIDDWAAKO - - - 40**

## A. EBYANJULA POLIISI YA UGANDA

### 1. Uganda Police yeruwa?

Poliisi kyekibiina ky'abantu abavunanyizibwa okuziyiza obumenyi bw'amateeka n'okukuuma emirembe n'obwenkanya. UPF mu bujjuvu kigwayo nti Uganda Police Force. Muno mwe mugwa abapoliisi bonna abakola mu Uganda nabo ababa balindiridde eby'okukola saako noyo yenna aba alondeddwa, oba nabo aba SPC. Aba poliisi basindikibwa wonna mu ggwanga okuweereza abantu.




### 2. Lwaki tuba ne Poliisi?

Poliisi etuyamba okutukuuma n'ebyaffe. Emirimu gya poliisi gimenyeddwa mu katundu aka 212 aka Ssemateeka wa Uganda era nga gyegino:

(a) Okukuuma abantu nga balamu n'ebintu byabwe;

(b) Okukuuma emirembe;

(c) Okuziyiza n'okulabukirira anazza omusango; n'

(d) N'okukwanaganya abantu aba bulijjo n'ebitongole ebirala eby'obuyinza ebiteekebwawo okusinziira ku ssemateeka w'eggwanga. Obuvunanyizibwa bwa poliisi kwekulaba nga buli muntu ne poliisi yenyini bagoberera amateeka gonna okuyita mu mitendera gyonna.

### 3. Mateeka ki agafuga poliisi?

Amateeka mangi Poliisi ya Uganda gegoberera nga ekola emirimu gyayo: Ssemateeka w'eggwanga, Police Act, ne Uganda Police Standing Orders nebiragiro ebirala.

### 4. Waliwo Etteeka ery'enkomeredde erirambulula emirimu gya poliisi

Ye, era nga lino lyeriyitibwa Police Act. Poliisi Act enyonyola emirimu gya poliisi: nga mwemuli okukuuma abantu n'ebyabwe wamu n'eddembe lyabwe, okukuuma obutebenkevu mu Uganda; okukwasisa amateeka mu Uganda; okukakasa nga waliwo emirembe n'obukuumi mu bantu; okwekengera n'okuziyisa obumenyi bwa mateeka mu bantu n'okutuukiriza emirimu gya military. Era eyogera ne ku nsengeka y'ebifo mu poliisi saako ebyo poliisi byesobola okukola n'ebyo byetasobola. Ani alonda b'ofiisa ba poliisi, ani avunanyizibwa ku bakungu ba poliisi era kibonerezo ki ekiweebwa abo ababa basiwuse empisa. Era eraga n'ebyo abantu byebalina okugoberera.

### 5. Police Act ekwaataganira wa ku bantu ababulijjo?

Egimu ku misango egimenyebwa mu Police Act gyegyo egiteekebwawo okukakasa nga poliisi ekola bulungi emirimu gyaayo. Eky'okulabirako, oba ozizza musango okuwa poliisi amawulire ag'obulimba nga okigenderedde. Kubanga Poliisi eba ejja kumala ebiseera nga bakola okunoonyereza ku mawulire ago ate nga si matuufu.

### 6. Ate Criminal Procedure Code Act eyawukana etya ku Penal Code Act?

Criminal Procedure Code Act erambika emitendera oba enkola poliisi zerina okugoberera ate nga yo Penal Code Act emenya emisango egy'ogerwako mu tteeka.

Omuntu bwazza omusango, waliwo emitendera poliisi gyerina okugoberera eri bombi oyo azizza omusango n'oyo gwasobezza. Emitendera egyo girambikiddwa bulungi mu Criminal Procedure Code Act. So nga yo Penal Code Act, erambika eneyisa etakirizibwa

gyetuyita emisango, era n'ebibonerezo eri oyo aba azizza omusango. Emisango gino era gisangibwa ne mumateeka amalala.

**7. Poiisi erina buyinza ki?**

Poliisi erina obuyinza obwenjawulo obugiweebwa mu tteeka, naye nga bulina okukozesebwa okusinziira ku tteeka. Basobole okukwaata, okunoonyereza ku buzzi bwemisango, okubuuza abajulizi n'abo abateberezebwa okuzza emisango, okulemesa enkungaana ezitali mu mateeka n'okukuuma emirembe mu bantu, naye nga balina kukikola okusinziira ku mateeka sso si nga bo bwebaagala. Okukozesa obubi obuyinza oba okulagajjalira emirimu, olwo osobola okubonerezebwa nga amateeka bwegalagira.

**8. Uganda erina Poliisi za mirundi emeka?**

Uganda erina poliisi yamulundi gumu, naye nga egabanyiziddwamu ebitongole ebyenjawulo. Mu bino mulimu; ekitongole ekikola ku baana n'amaka (the child and Family protection unit), ekitongole ekiteesiteesi n'okutendeka (the training and planning unit), ekitongole ekikola ku by'entambula (traffic), ekikola ku by'ettaka (land protection), ekikola ku by'omutindo n'empeereza ya poliisi (professional standards unit), Ekitongole ekikola ku bifa ku bantu (community affairs), Ekitongole ekidduukirira n'okuzikiriza omuliro (fire prevention and rescue services), ekitongole ekikola ku kunoonyereza ku buzzi bw'emisango (Criminal Investigation and Intelligence Directorate) Ekitongole eky'okumazzi (marine) n'ebirala.

**9. Poliise erina ebyambalo (Uniforms) byabika bimeka?**

Pollisi ya Uganda erina ebyambalo (uniforms) eby'enjawulo. Era nga zino ziraga ebitongole bya poliisi eby'enjawulo;

- Ebyambalo bya kaki ebya poliisi ebya ebyabulijjo (Olive Green uniform-Khaki)
- Ebyambalo ebyeeru (Traffic Police)
- Ebyambalo eby'ebibombola ebya bululu (Blue camouflage uniform) –eno etera okukozesebwa okukakkanya obujagalalo.

- Eya bululu owamazzi (Navy Blue uniform) –Poliisi ey'okumazzi.
- Enzirugavu – (Counter Terrorism Unit) – Poliisi erwanyisa obutujju.
- Ezakitaka (Brown Camouflage) – poliisi ekuuma obutebenkevu - Anti- Stock Unit Safety Unit




**10. Ntegeera ntya nti omukungu wa poliisi ssi wakitongole kirala?**

Buli Poliisi ofiisa aba ne ekyambalo ekyenjawulo, ekyambalo kyabo abakola emirimu egyabulijjo bambala kaki (khaki) n'enkufiira wamu n'akabonero, okwo kwossa omusipi n'ekyokukibegabega okubeera chepe oba "ejinja" eriraga eddala kwaali mu poliisi n'ekitongole mwagwa. Buli wa poliisi alina okuba nerinnya lye nga liwandiikiddwa ku kyambalo kye mu kifuba. Ebitongole bya poliisi ebimu ebyenjawulo birimu biba ne ebyambalo ebyenjawulo okugeza abo abakola kuntambula y'ebidduka abambala ebyeeru ne poliisi ennawunyi, abambala eya kakofu (blue camouflage) B'ofiisa ba poliisi bonna baba ne kaada eyoleka kyebali era bwogisaba balina okugikuwa.




Owa poliisi akkirizibwa okukyuusa ekyambalo ekyekika ekirala bwekiba kyetaagisizza. Guba musango gwa nnagomola okwambala ekyambalo kya poliisi nga toli wa poliisi.

**11. Tulina ebitebe bya poliisi (stations) bimeka mu ggwanga?**

Poliisi ya Uganda erina enkambi enkulu 26 mweddukanyiza emirimu. Waliwo ebitebe (stations ne posts) mu buli disitulikiti mu ggwanga.

**12. Nkolagana ki eriwo wakati wa poliisi n'amagye?**

Ssemateeka w'eggwanga akirambika nti poliisi erina okukolaganira wamu n'ebitongole ebirala eby'okwerinda ebiteekebwawo mu mateeka nga n'amagye mw'ogatwaalidde. Ekkiriza gavumenti okuyiwa amagye oba ebitongole eby'okwerinda ebirala okukuuma obutebenkevu n'emirembe.

Omulimu gw'amagye omukulu kwekukuuma ensalo z'eggwanga songa ate ogwa Poliisi kwekukuuma kwekukwasisa amateeka n'okukuuma emirembe mu ggwanga. Amagye okuyambako poliisi kirina kusabwa poliisi era bwegaba gayamba ku poliisi galina kukikolera wansi wa biragiro bya poliisi.

**13. Abakuumi ab'obwananyini (private security guards) nabo abayamba okuziyiza obuzzi bw'emisango mu bantu nabo b'ofiisa ba poliisi?**

Ssi b'ofiisa ba poliisi naye bakwatizaako poliisi ku mulimu gwaayo. Abakuumi abobwa nnanyini bebantu abakozesebwa ebitongole ebikuuma ddembe eby'obwa nnanyini ebiweebwa gavumenti olukusa era nga birondoolwa poliisi. Songa ate abo abayamba okuziyiza obuzzi bw'emisango mu bantu be bantu ab'empisa ennungi abakola ogw'obwa nnakyeewa okukolaganira awamu ne poliisi okukuuma emirembe n'obutebenkevu mu bitundu byabwe.

**14. Omuntu yenna asobola okufuuka omukungu wa poliisi?**

Omuntu yenna asobola okufuuka omukungu wa poliisi. Wabula ateekwa okutuukiriza ebyo byonna ebirambikiddwa eri buli ddaala (rank). Ebisookerwako ebikulu omuntu alina okuba: mutuuze mu Uganda; nga ali wakati w'emyaka 18 ne 25; nga tasingibwangako musango gwa bumenyi bwa mateeka; nga muntu wa wampisa era nga asembebwa ab'obuyinza ku kyaalo; nga yatuula era nayita ebigezo ebya siniya ey'omukaaga; nga mulamu bulungi ekikula kye n'obulamu bwe bwonna. Eri amadaala agawaggulu, ebyetaagisa byawukana okusinziira ku ddaala oli lyaba ayagadde.

**15. Nsobola ntya okwegatta ku poliisi y'eggwanga?**

Okuyingizibwa mu poliisi kusinziira ku bifo ebiba biriwo n'ensimbi eziba ziteekeddwawo okukola omulimu ogwo. Ebirango biwerezebwa wonna ku mikutu gy'empuliziganya nga basaba bonna abandyetaaze okweyunga ku poliisi okuwaayo okusaba kwabwe. Olumu ladiyo z'ebitundu zikozesebwa okutegeeza abantu wa okwewandiisa okuyingira mu poliisi gyekunabeera era mu kiseera ki. Waliwo engeri ez'enjawulo omuntu z'asobola okuyitamu okwegatta ku poliisi, naye nga enkulu ezimanyiddwa zezino:

1. Eri abo abakoma ku buyigirize obwa siniya ey'omukaaga (Probationary police constables);
2. Abo ababa basoma nebatikkirwa diguli (Cadet assistant superintendants of police).

16. **Biki bye nina okutendekebwa okufuuka omupoliisi?**

Olina okusooka okutendekebwa ebbanga eritakka wansi wa mwaka. Era nebw'otandika okukola nga omupoliisi, waliwo okutendekebwa okugenda kweyongera okubaawo ku nsonga ez'enjawulo okusinziira ku bwetaavu n'okukyuusibwa okutwaalibwa mu kitongole ekirala. Oba otendekebwa mu gamu ku matendekero ga poliisi nga Kabalye-Masindi oba Olilim Police Training Schools.

17. **Tulina ba ofiisa ba poliisi abamala?**

Nedda. Okusinziira ku kitongole kya United Nations standards, omupoliisi omu yandibadde akola ku bantu 450. Uganda eteeberezebwa okuba n'abapoliisi nga 41,072 so nga ba nnauganda bateeberezebwa okuba obukadde 33. Kino kiba kitegeeza nti omupoliisi 1 aba akola ku bantu 803.

Okutwaalira awamu abapoliisi abaliwo tebamala okusobola okuziyiza obumenyi bw'amateeka, okukwaasisa amateeka n'okukuuma emirembe. Kuno kusoomozebwa kubanga, wadde nga kyandibadde ky'amagezi okuyingiza abapoliisi okutuuka ku muwendo ogwetaagisa, kikulu okwegendereza okulaba nga b'ofiisa ba poliisi abo baba batendekeddwa ekimala era nga balina ebisaanyizo byonna, kino nno nga kyetaagisa ebiseera n'ensimbi.

18. **Waliwo abapoliisi abakyala?**

Ye, abapoliisi abakyala bali 7106 by'ebitundu 17%. Bwekityo abakyala bakubirizibwa okuyingira poliisi.



19. **Abapoliisi abakyala baba n'emirimu gyanjawulo?**

Nedda. Abapoliisi bonna basobola okutuukiriza obuvunanyizibwa bwebumu okusinziira ku daala kwebali n'ekibinja mwebagwa. Naye ate abapoliisi abakyala bebatera okukola ku bakyala n'abaana

ababa batulugunyiddwa mu maka. Ekitongole kya poliisi ekikola ku baana n'amaka (Child and Family Protection Unit) kyaweebwa obuyinza okuyamba abaana n'abakyala ababa batyoboddwa eddembe lyabwe era nga kino kirina kukolebwa mupoliisi mukyala kubanga bano basinga kwettanira bapoliisi bakyala. So nga ate ennaku zino, abapoliisi abaami bakubirizibwa okubegattako.

**20. Mu poliisi waliwo omukisa lwegujja nga gw'abakyala oba baami okwegatta ku poliisi**

Nedda, mu poliisi ya Uganda tewali tteeka liriko kyerirambika nga ekyo kirina kukolebwa bapoliisi bakyala oba baami. Bonna abakyala n'abaami baweebwa omukisa gwegumu mu kiseera eky'okuyingizibwa mu poliisi.

**21. Lwaki kikulu nnyo abantu bonna ababuli ngeri okukiikirirwa mu poliisi?**

Kikulu nnyo poliisi okubaamu abantu abebikula byonna abaami n'abakyala okuva mu nzikiriza ezenjawulo, ebibiina n'amawanga gaabwe okusobola okujjayo ekifaanayi ekituufu mu ggwanga. Kino kiyamba okwongera okutegeera empisa n'endowooza z'abantu abenjawulo okusinziiira ku buwangwa bwabwe n'abantu bebalimu, era kiyamba n'okumalawo obusosoze n'okwegulumiza.

**22. Bukulu ki oba mayinja ki agenjawulo agaweebwa abapoliisi?**

Obukulu obusookerwako ye probationary police constable. Bwetweyongerayo waggulu kuddako Kuno kuddako Police Constable, Corporal, Sergeant, Assistant Inspector of Police (AIP), Inspector (IP), Assistant Superintendant of Police (ASP), Superintendant of Police (SP), Senior Superintendant of Police (SSP), Assistant Commissioner of Police (ACP), Commissioner of Police (CP), Senior Commissioner of Police (SCP), Assistant Inspector General of Police (AIGP), amyuka ssenkulu wa poliisi (DIGP) ne Ssenkulu wa polisi (IGP).

**23. Omupoliisi ow'ebidduka (traffic officer) asobola okukwaata omusango omulala gwonna nga ogyeeko ogukwaata ku bidduka eby'okunguudo?**

Ye. Omupoliisi akola ku bidduka naye aba mu poliisi wadde nga aba awereddwa obuvunanyizibwa obw'okukola ku bidduka mu

kiseera ekyo. Singa akulaba nga omenya amateeka naye asobola okukukwaata nakuvunaana.

**24. Ani avunanyizibwa ku ba poliisi?**

Poliisi eri wansi wa Minisitule ey'ensonga ez'omunda (ministry of Internal Affairs). Ebitongole bya poliisi byonna wamu ssenkulu wa poliisi (IGP) yabivunanyizibwako. Ssenkulu wa poliisi yavunanyizibwa kuba poliisi bonna era yemukwanaganya omukulu owa poliisi n'abantu aba bulijjo. Ssenkulu wa poliisi ono n'omumyuuka we balondebwa omukulembeze w'eggwanga ne bakakasibwa paliyamenti era omukulembeze w'eggwanga asobola okubaggyako obuvunanyizibwa obwo.

Etteeka lya Uganda teriraga birina kwesigamizibwako okulondera abantu mu bifo ebyo oba okubaggyako obuvunanyizibwa, era teririna kiseera kya nkomeredde kyerirambika ku kiseera ssenkulu wa poliisi kyalina okumala ng'aweereza.




**25. Ani avunanyizibwa ku ssenkulu wa poliisi?**

Minisita ow'ensonga ez'omunda ye mukama wa ssenkulu wa poliisi era yamuvunanyizibwako.

**26. Omupoliisi alina okugondera ekiragiro oba ebiragiro byonna okuva eri abo abamusingako oba bakamabe ababavunanyizibwako nga Minista?**

Nedda. Omupoliisi yenna alina okugndera ebiragiro bya bakamaabe bwe biba nga biri mu mateeka, Kubanga bwebiba nga bimenya mateeka yaba ajja okuvunanibwa ng'omuntu. Tekimutaasa kumenya mateeka olw'okubanga yalagiddwa mukamaawe okukola ekyo ekintu kyonna ekimenya amateeka.

**27. Ania asasurira poliisi?**

Omuwi w'omusolo yasasulira poliisi okuweereza abantu bonna. Gavumenti erina ekitundu mu mbalirira yayo kyewa poliisi okuddukanya emirimu gyaayo.

**28. Ani akakasa embalirira eyo n'ensasaanya y'ensimbi ezo?**

Paliyamenti yekakasa embalirira eno. Embalirira ya poliisi ebagibwa poliisi okuyita mu minisitule y'ensonga ez'omunda newerezebwa cabineti okugikakasa. Bw'eva awo ewerezebwa mu paliyamenti okukubaganyizibwako ebirowoozo oluvanyuma neryokka eyisibwa.

Ssente eziyisibwa mu mbalirira zisaasanyizibwa okuddukanya emirimu gya poliisi, okusasula emisaala gya poliisi, nekunsonga endala nga okutendeka, okunoonyereza, eby'entambula n'okusula n'ebirala bingi.



**29. Tutegeera tutya nga ensimbi poliisi zefuna zibaako embalirira?**

Ssababalirizi w'ebitabo bya gavumenti ayita mu mbalirira n'ensasaanya y'ensimbi ezo buli

mwaka era nagiwereza mu paliyamenti era esobola okuwerezebwa omuntu omulala yenna aba agyetaaze.

**30. Omulimu gw'obwa poliisi guteeka obulamu bwabwe mu katyabaga. Abapoliisi basasulierwa mu "yinsuwa"?**

Abapoliisi bakolera mu mbeera ez'obulabe. Abamu ku bo bafiira ku mulimu n'abalala nebafunira ku mulimu ebiwundu. Ekyakabi abapoliisi ba Uganda tebasasulirwa mu "yinsuwa".

**31. Omupoliisi ddi lwatabeera ku mulimu?**

Etteeka lya poliisi likirambika lwaatu nti "omupoliisi yenna abeera ku mulimu wonna waaba ali" naye kino tekitegeeza nti taweebwa budde kuwummula. Wabula kitegeeza nti omupoliisi yenna wonna waba ali wadde ali mu by'ambalo bya poliiisi oba nedda alina okulaba nga amateeka tegamenyebwa. Nolw'ekyo omupoliisi tasobola kuwulira oba kutunula butunuzi ng'amateeka gamenyebwa nategeeza nti "sinze ndi ku mulimu mu kiseera kino".

**32. Nsobola okusasulira omupoliisi okunkuuma?**

Osobola okusasulira omupiliisi okukukuuma singa ofuna okutya kwonna. Okusinziira ku tteeka lya poliisi, bwoba wetaaze abapoliisi abalala okuteekebwa mu kitundu abobuyinza nga bakirizza asobola okusasulira omupoliisi ekiseera egigere. Eky'okulabirako, singa muba n'olukungaana oba omukolo gwammwe gwonna poliisi esobola okubongera obukuumi bwemuba mwetaaze singa mu busasulira. Naye singa ekifo wemugenda okukungaanira abantu basobola okutwaalira amateeka mu ngalo oba nga nkungaana z'abyabufuzi, olwo poliisi guba mulimu gwaayo okubawa obukuumi bwonna awatali kusasulwa .

**33. Abapoliisi bakirizibwa okutambulirare mu mmotoka z'olukale oba okuggya ebintu mu katale nga tebasasudde?**

Nedda. Era nga bwekyandibadde eri omuntu omulala yenna n'omupoliisi takirizibwa kukozesa ntambula natasasula oba okuggya ebintu mu katale nga tabisasudde.

## B: OKULOOPERA POLIISI OBUMENYI BW'AMATEEKA

### 34. Waliwo enjawulo wakati wa CIID ne CID?

CIID (Criminal Investigation and Intelligence Directorate) ky'ekitongole kya poliisi ekikulira eby'okunoonyereza wonna ku bumenyi bw'amateeka songa CID (Criminal Investigation Department) kino kitundu ku kitongole kya poliisi ekinoonyereza ku bumenyi bw'amateeka era nga kino ekya CID kikolera wansi wa CIID. Ekitongole kino kirimu abakulu abagwa mu biti eby'enjawulo abavunanyizibwa ku kunoonyereza n'okuzuula abamenyi b'amateeka. Bano batendekebwa nebakuguka mu mulimu gw'okunoonyereza n'okuzuula abamenyi b'amateeka.

### 35. Omupoliisi aba wanjawulo ku CID?

Nedda. Kubanga abakulu bonna abakola nga ba CID balondebwa okuva mu bapoliisi. Wadde nga bano bo emirimu gyabwe bagikolera mu ngoye ez'abulijjo.



**36. Ntegeera ntya nti ddala wa CID?**

Bwajja okukukwaata oba nga alina byakusaba musabe asooke akulage kaada ye emwogerako.

**37. Njawulo ki eriwo wakati w'emisango gino 'criminal case' ne 'civil case'?**

Emisango egiyitibwa 'criminal cases' gyegyo gy'oba ozizza ku gavumenti era nga gimenya amateeka g'eggwanga Uganda. Omusango ogw'ekika kino oba toguzizza ku muntu oyo yekka naye n'eggwanga lyonna (Uganda) n'olwekyo eggwanga likola okunoonyereza era okuyita mu kkooti libonereza oyo asingiddwa omusango ogw'engeri ng'eyo. Kino kikolebwa kubanga buvunanyizibwa bwa ggwanga (Uganda) okulaba nga abantu balina emirembe. Omuntu yenna amenya etteeka eryo abeera wabulabe eri bantu banne.

Songa ate "civil case" gw'emusango ogukuvunaanwa muntu muno. Omuntu yenna asobya muntu munne agwa mu kiti ekyo.

**38. Singa mbadde njagala okuloopera poliisi obumenyi bw'amateeka, nkola ntya?**

Osobola okukubira poliisi ku ssimu yaayo eno 999/112 era bweziba zombi teziyitamu osobola okukubira butereevu ekitongole kya poliisi ekikuuma omutindo gw'empeereza (Professional Standards Unit) ku ssimu zambwe zino ezitali zakusasulira: 0800200019, 0800199199, 0800199299. Osobola n'okugenda ku poliisi yonna ekuliraanye n'oggulawo omusango. Oba singa wabaawo omupoliisi yenna awo gwolaba genda butereevu gyali omutegeeze bwegubadde. Singa olaba omuntu yenna agezaako okumenya amateeka oba ayagala

okugamenya, osobola okumuloopera omwami we LC oba okukwaata n'omutwaalira poliisi.




**39. Ani alina okuloopera poliisi omusango?**

Oyo akoseddwa, ababaddewo abalabye oba omuntu omulala yenna amanyi ku musango ogwo asobola okuloopera ku poliisi. Yo poliis ejja kujja ekole okunoonyera ku nsonga eyo.

**40. Nina kugenda ku poliisi yokka eninaanye oba nsobola okuloopera poliisi yonna gyemba ndabye?**

Osobola okuloopera poliisi yonna gy'oba osobodde, naye kiba kirungi oloopere poliisi eyo eriraanye ekifo awazziddwa omusango okusobola okuyambibwa mu bwangu. Bwowaayo okwemulugunyaako eri poliisi yonna balina okuwandiika okwemulugunyakwo nekuweerezebwa ku poliisi ekwatibwaako. Tebasobola kugoba kwemulugunyakwo olw'okuba waliwo endala ekuliraanye gy'ova.

**41. Ku poliisi basobola okugaana okuwandiika okwemulugunya kwange mu kitabo?**

Nedda, okwemulugunya kwonna ku tteeka erimenyeddwa nga okutta omuntu, okukaka omuntu omukwano, obubbi, okutulugunyizibwa oba okulagajjalirwa poliisi, n'ebirala bingi birina okuwandiikibwa mu kitabo kya poliisi. Tewali nsonga poliisi gyerina kwekwaasa kugaana kuwulira kwemulugya kwo. Poliisi erina okukuwuliriza era okwemulugunya kwo nekuwandiikibwa mu kitabo kya poliisi eyo (Station diary), n'owebwa n'ennamba y'omusango oba ey'okwemulugunya kwo. Wabula singa mu kwemugunya kwo temuba tteeka lyonna limenyeddwa, okugeza okusasulwa ebbanja, poliisi ekuwa amagezi ku kiki ky'olina okukola.

**42. Watya singa okwemulugunya kwange ddala kuli mu mateeka naye omupoliisi n'agaana okukuyingiza mu kitabo. Kiki kyenina okukala?**

Ensonga ogiwaaba eri omupoliisi asinga ku oyo era n'ofuba okulaba nga ensonga yo eyingizibwa mu kitabo. Ekyo bw'ekigaana, saba bakulage akulira poliisi y'ekifo ekyo omutegeeze ensonga yo oba buuza w'osoola okusanga omulamuzi okuliraana poliisi eyo omuloopere ensonga yo. Fuba okulaba nga ofuna enamba okwawandiikiddwa okwemulugunya kwo ku poliisi oba obukakafu bwonna obulala.

**43. Kikulu okuwaayo omusango gwange mu buwandiike (statement)?**

Kikulu kubanga ebiwandiikiddwa nga okwemulugunya kwo bye bikozesebwa okulumika oyo gw'owawaabidde.

**44. Biki bye nina okussa mu bwongo nga mpandiika okwemulugunya kwange ku poliisi**

Ggwe ekituufu ky'omanyi oba kyewawulidde ku nsonga eyo. Okumanya ekituufu kyenyini ekyabaddewo kikulu, naye okuwaayo okwemulugunya tekikwetaagisa kubanga walabidde ddala byonna ebyabaddewo. Ekikulu kwekwogera amazima. Tekyetaagisa kusavuwaza nsonga, okuteebereza oba okulowooleza.

Nga owaayo okwemulugunya kwo, kakasa nga olaga ekiseera n'obudde omusango lwe ggwazibwa. Era nga wegendereza nnyonyola bonna abenyigiramu na buli omu kyeyakola: baali luddawa, kiki kyebaali bakola, buli aliko kyeyakola nebwebyajja biddiringana. Abaafuna obuvune, ebisago oba ebintu ebyayonoonebwa. Tewerabira kulaga byakulwanyisa oba ebissi ebyakozesebwa, ebyo byonna birina okuwandiikibwa mu bwangu ddala nga bwekisoboka. Singa wabaawo okulwawo kwonna okuteeka ensonga ezo mu buwandiike ku poliisi, ensonga owa poliisi nayo alina okugiraga.




**45. Nkakasa ntya nga ddala owapoliisi by'awandiise byonna byebyo byemugambye mu butuufu bwabyo?**

Jjukira nti okwemulugunya kwo oba ebyo by'otadde mu buwandiike ku poliisi byebituufu ggwe by'omanyi ku nsonga eyo so ssi poliisi byemanyi. Poliisi yo kyerina okukola kwekukuyambako mu kuwandiika awatali kutoolako oba okw'ongeramu ebyabwe. N'olwekyo nga tonnaba kusaako mukono ggwo oba ekinkumu kyo, kakasa nga osooka okubisomamu era obitegeere bulungi.

**46. Bwemmala okwemulugunyiza poliisi, kiki ekiddirira?**

Oluvanyuma lw'okwemulugunya kwo, poliiisi etandika okukola okunonyeereza kwayo ku nsonga eyo. Era olwo poliisi esobola okwogerako nabo ababa bakoseddwa, ababaddewo, nabo nebaggyako byebalabye nebyebamanyi ku nsonga eyo, poliisi okutuuka mu kifo awaziddwa omusango, okuweereza ebyetaagibwa okwekebejjebwa nga endaga muntu oba n'ekituufu ekiba kyaviiriddeko eyafudde n'okubuuliriza kubantu abenjawulo ku nsonga eyo. Okunoonyereza bwekuggwa, omupoliisi avunanyizibwa ku musango awaayo alipoota yonna mu butonggole. Bwekikakasibwa nga ddala omusango gwazzidwa, okunoonyereza kwonna n'obujjulizi biteekateekebwa ku kipapula kya poliisi (charge sheet) era kino kyekyeyambisibwa okukwaata n'okutwaala oyo ateeberezebwa okuzza omusango mu kkooti.



**47. Ate emisango egyekuusa ku bakyala n'abaana – waliwo ekitongole ekyenjawulo ekikola okunoonyereza ku nsonga nga ezo?**

Ye. Ekitongole kya poliisi ekikola kubaana n'amaka (Police Child and Family Protection Department) kyekivunanyibwa okulaba nga eddembe ly'abaana n'abakyala terityoboolwa. Ekitongole kino kisingamu bapoliisi bakyala kubanga abaana n'abakyala bebasinga okweyabizaamu. Naye nga ekitongole ekyo nakyo kikolebwamu abaami. Ensonga ezisinga okukolwako mu kitongole kino zisinga kwekuusa ku baana

n’abakyala naye nga n’abaami baddembe okwekubira enduulu mu kitongole ekyo .




**48. Ekipapula poliisi kwevunaanira emisango –‘bakuntumye’ (charge sheet) kyeki?**

Kino kyekiwandiiko ekiteekateekebwa poliisi oba omulamuzi ekiraga omusango ogwazziddwa, eyaguzizza n’ebimukwaatako.

Okunoonyereza bwekuggwa, omupoliisi avunanyizibwa yekeneenya ensonga zonna okuzuula oba nga ddala waliwo obujulizi obukakasa nga ddala omusango gwazzidwa era olwo byonna biteekateekebwa mu kiwandiiko kino ekyeyambizibwa okukwaata n’okutwaala oyo azizza omusango mu kkooti. Bwekibatekiteekeddwa bulungi, kuba kumala biseera okutwaala oyo avunanibwa mu kkooti. Kuba kino kijja kwekenenyezebwa okukakasa oba nga ddala omusango gwazziddwa.

**49. Buli muntu amenyebwa mu kwemulugunya ku poliisi alina okukwaatibwa?**

Nedda, era sibwekirina okuba. Okubeera omu kubamenyeddwa oyo eyemulugunyizza ku poliisi tekimala kusalawo kubakwaata kubaggalira. Wateekwa kumala kubaawo obujulizi obumala nga bulumika oyo gwewemulugunyaako olwo poliisi neryokka emukwaata.

**50. Poliisi esobola okuggalawo okwemulugunya kwange n’ebiviirako ddala?**

Kisinziira. Singa bakola okunoonyereza kwabwe okumala nekizuulwa nga ddala tewali bujulizi bumala nga ddala omusango gwazziddwa, basobola okuggalawo omusango omusango bwebawa ensonga ezimatiza era oluusi nga bamaze n’okwebuuza ku mukulu okulira

eby'okubonereza abamenyi b'amateeka (Director Public Prosecution). Naye nga tebamala gasalawo olw'okuba okugeza obudde okuba nga obwetagibwa bungi okumaliriza okunoonyereza, oba nga tekkiriza by'obagambye awatali nsonga lwaki kiri bw'ekityo.

**51. Nina okutegeezebwa ebigenda mu maaso ku musango gwange?**

Tewali tteeka likirambika nti poliisi erina okukutegeezanga ebigenda mu maaso ku musango gwo. Wadde kiba kirungi okutegeeza oyo eyemulugunyiza poliisi wa omusango gwe wegutuuse – bwekiba nga tekirina ngeri yonna ate gyekitataaganyamu kunoonyereza. Buvunanyibwa bwo okukebera ku poliisi okumanya wa we batuuse n'omusango gwo.

**52. Kiki kyemba nina okukola singa poliisi eremererwa okukola okunonyeereza ku kwemulugunya kwange, okulwaawo ennyo oba okugaana okubuuliriza ku nsonga ezitegeerekeka?**

Singa poliisi egaana okutwaala okunoonyereza ku musango gwo mu maaso oba okugulwisaawo kagenderere n'obutafaayo ku bujjulizi bwobawadde, osobola okuwaaba ew'omupoliisi abasingako amayinja. Mukama wabwe olwo asobola okubalagira okunoonyereza nalondoola ensonga yo.

**53. Nsobola okuyita owa poliisi buli wonna wenjagalira?**

Abapoliisi emirimu gyebalina mingi ate nga omuwendo gwabwe mutono ddala, n'olwekyo ssi buli akabaawo nti olina kuyita poliisi nekubusonga songa bwotalinaako nabwino. Naye nga oli waddembe okuyita poliisi buli lw'obeera mu buzibu, singa amateeka gamenyebwa oba nga gagenda kumenyebwa, singa olaba nga wandibaawo okwekalakaasa, singa wabaawo abalwaana era bayinza okutabangula emirembe, oba singa olina n'amawulire amakulu goyagala okubawa. Naye nga tolina kuyita poliisi ku nsonga ezitakwaatagana na mulimu gwabwe. Olumu bazanyira ku ssimu za poliisi n'oluusi nebagiyita songa tewali nsonga yonna ebayisa. Osobola okubonerezebwa olw'ebikolwa nge'byo.

## C: EDDEMBE LYO N'OBUVUNANYIZIBWA BWO

### 54. Omupoliisi buli kyangamba nina okumugondera?

Bwekiba nga kiri mu mateeka era nga kikwaatagana n'omulimu gwe. Ekituufu kiri nti buvunanyizibwa bwa buli muntu okukwatizaako poliisi okutuukiriza omulimu gwaayo; naddala singa omupoliisi agezaako okulemesa omuntu okumenya amateeka oba okutoloka mu kaduukulu. Era bwoba n'amawulire amatuufu agetaagibwa ovunanyizibwa okugategeeza poliisi. Era buvunayizibwa bwo obutakweeka n'obutazibira bamenyi b'amateeka. Era ovunanyizibwa okuwaayo obujulizi obwetaagibwa mu kkooti z'amateeka singa walaba oba nga olina ky'omanyi ku musango ogwo.

### 55. Nina okukolagana ne poliisi?

Ye. Singa omupoliisi akusaba okumuyambako okutuukiriza omulimu gwe nga bwekiri mu mateeka, okugeza okuwa obujulizi mu kkooti oba okwaaza enju, ovunanyizibwa okubayambako. Poliisi ekubiriza ba nnansi bonna okugikwaatizaako mu kukuuma emirembe n'okukwaasisa amateeka nge'yita mu kitongole kyayo mwekwanaganyiza emirimu gyayo n'abantu ababulijjo. Buli poliisi weri erina omukulu akwanaganya poliisi n'abantu b'omukitundu ekyo (community liaison officer).

### 56. "Community policing" kitegeeza ki?

Eno y'enkola esobozesa poliisi okukolaganira awamu n'abantu ababulijjo okusobola okuziyiza obumenyi bw'amateeka n'obutali butebenkevu mu bantu.

### 57. Buvunanyizibwa ki abantu bwe balina okutuukiriza mu nkola eno eya community policing?

- Buulira poliisi amawulire gonna g'omanyi okusobola okukuuma obutebenkevu mu kitundu ekyo.
- Fuba okukiika mu nkiiko eziyitibwa okukubaganya ebirowoozo ne poliisi.
- Buulira poliisi obumenyi bw'amateeka bwonna

- Buulira poliisi abantu boteebereza okuba abamenyi b'amateeka
- Yatuukiriza abali b'enguzi mu kitundu kyo.
- Byonna by'otegeezezza poliisi kakasa nga obiteeka mu buwandiike.
- Bw'oyitibwa mu kkooti okuwa obujulizi genda obuweeyo.

**58. Omupoliisi bw'ansaba okugenda ku poliisi, nnina okugendayo?**

Ye. Kirungi okukolaganira awamu ne poliisi naye nga eky'okukusaba okugenda ku poliisi tekyetaagisa okujjako nga azze kukukwaata. Bwekitaba bwekityo, bwaba nga alaba olina amawulire goyinza okubawa agasobola okubayamba ku musango gwonna oba nga balina byebaagala okuyamba kirina okukolebwa mu buwandiike. Okujjako nga ekyo kikoleddwa, tasobola kukuwaliriza kugenda ku poliisi.

**59. Owa poliisi bw'ambuuza ebibuuzo byonna nina okubiddamu?**

Oli wa ddembe okusirika. Naye nga ekisinga kwekuddamu ebibuuzo nga obabuulira amazima gonna g'omanyi. Era bwoba tolina ky'omanyi, owa poliisi talina kukuwaliriza kubiteeka mu buwandiike ku poliisi oba okukwogeza by'otamanyi. Naye ate bwekiba nga ggwe oteeberezebwa okuzza omusango oba nga bamaze n'okukukwaata, tolina kugaana olina okubuulira poliisi ebikukwaatako (Amanya go ne gy'obeera). Era kiba kirungi wabeerewo omu ku bantu bo nga obuuzibwa.

**60. Buvunanyizibwa bwa mupoliisi okunyamba nga nzitowereddwa?**

Buvunanyizibw abwa poliisi okukuyamba mu byonna.

**61. Nsobola okusaba poliisi okunyamba okumalawo obutakkaanya mu maka gange?**

Ye. Naddala bekiba nga obutakkaanya obwo busobola okuvaamu okutulugunyizibwa mu by'omukwano, mu ndowooza, mu by'enfuna n'okutuusibwaako obuvune ku mubiri. Tekiba kya buvunanyizibwa

okusirikira ensonga nga ezo ate ezisobola okubaviiramu okumenya amateeka .




**62. Singa tewaba wa poliisi, abantu ababulijjo basobola okukwaata ateeberezebwa okuba omumenyi w'amateeka?**

Omuntu yenna asobola okukwaata ateeberezebwa okuba omumenyi w'amateeka namukwaasa poliisi. Naye ate nga tokkirizibwa kumukuba oba okumutusaako obuvune. Okujjako nga mukikola kwetaasa (self-defence), era nebweguba gutyo kirina okukolebwa mu ngeri esaanidde. Tekirina kuba nti omuntu oyo akubwa natuuka n'okuba nga takyasobola kwerwanako era omupoliisi yenna akkiriza ekyo okubaawo yandiggulwako omusango oba okubonerezebwa. .

**63. Abantu tebakkirizibwa kubonereza oyo gwebateebereza okumenya amateeka?**

Nedda kebeere poliisi tekirizibw akubonereza oyo ateeberezebwa okumenya mateeka. Kino kirina kukolebwa kkooti z'amateeka. Kuba kutwaalira mateeka mu ngalo ekitakkirizibwa.

**64. Poliisi esobola okunemesa okweetaba mu lukungaana oba olukiiko lwa bonna?**

Nedda. Teri alina buyinza kukulemesa kwetaba mu lukiiko lwabonna olw'emirembe. Akatundu 29 aka Ssemateeka wa Uganda kawa buli mu nnayuganda eddembe okwetaba mu lukungaana lwa bonna olw'emirembe. Kyandibadde nti musooka kutegeeza ku poliisi ku lukungaana olwo. Etteeka liwa poliisi obuyinza okuggalawo olukiiko lwonna olutali mu mateeka. Era etteeka lyerimu likirambika nti oba ozizza musango okuteekateeka olukungaana lwonna olutali mu mateeka era olusobola okutabangulka emirembe. Wadde nga ne bwekuba kwekalakaasa kulina okubaako wekukoma, poliisi tekkirizibwa kulemesa lukungaana olw'emirembe olw'okuba katugeze lulimu, aboludda oluvuganya gavumenti oba singa aluvunanyizibwako abagamba.

Ku luuyi olulala, buvunanyibwa bwa poliisi okubawa obukuumi n'okulaba nga byonna ebigenda mu maaso bibaawo mu mirembe. Era balina obuvunanyizibwa okusobozesa abantu okweyagalira mu ddembe lyabwe okwetaba mu nkungaana ez'emirembe.

**65. Poliisi ekkirizibwa okukozesa amaanyi okulemesa enkungaana oba okwekalakaasa ku nguudo?**

Ye. Singa ekiseera ekyabaweereddwa omukungu wa poliisi okuluggalawo kiyita, nebalemerawo mu lukungaana lwabwe. Omupoliisi olwo "asobola okukola kyonna ekisoboka okubagumbulula ........oba okubakwaata."

Singa wabaawo agezaako okulemesa omupoliisi, olwo akkirizibwa okukozesa amanyi wabula era agekigero okusobola okwanganga abo abamuwakanya. Poliisi teriiwo kubonereza bantu, n'olwekyo byonna byebakola okuzesa amaanyi kyekyandibadde kisembayo

nga ebirala byonna biganye ate era tebalina kukozesa maanyi gasukiridde.




**66. Poliisi ddi lwerina okufulumya amasasi?**

Poliisi okufulumya amasasi embeera eteekwa kubeera eyo esemberayo ddala. Poliisi ekkirizibwa okufulumya amasasi mu kwetaasa oba okutaasa obulamu bw’abantu abalala oba okulemesa ekikola kyonna ekiteeka obulamu bw’abantu abalala mu katyabaga.

Okukozesa ekissi kyonna n’okufumya essasi kukirizibwa mu mbeera yokka eteewalika okusobola okutaasa obulamu bw’abantu.

**67. Poliisi kiki kyerina okukola singa ekibinja ky’abantu bagitabukira nebatandika n’okubakasuukirira amayinja saako okwonoona ebintu**

Poliisi erina okukkakanya embeera nga ekuuma obulamu bw’abantu n’ebintu byabwe naye nga egoberera enteekateeka erambikiddwa mu mateeka mu byonna byekola.

Ekisookera ddala, abantu bonna abakungaanye balina okulabulwa n'okuweebwa ekiseera okwamuka ekifo ekyo. Ekiseera ekibaweereddwa bw'ekiggwaako naye nga abantu bakyalemeddewo, olwo poliisi esobola okukozesa amaanyi okubagumbulula. Wabula era amaanyi agakozesebwa galina kuba gakigero. Era nga balina kukozesa miggo (batons) oba omukka ogubalagala. Poliisi bulijjo erina kukozesa nkola eterina bulabe eri abantu okujjako nga eremereddwa.

Poliisi okusalawo okweyambisa amasasi, kirina kukolebwa nga betaasa oba okutaasa obulamu bw'omuntu n'okuziyiza okw'onoona ebintu by'abantu. Era n'okufulumya essasi kirina kukolebwa kubafuya so ssi kutta. Ekyandisinze okwetaagibwa mu kukakanya abekalakaasi kwekuteesa nabo so ssi kukozesa maanyi.

## 68. Ddembe ki lyemba nalyo nga maze okukwaatibwa poliisi?

- Omuntu yenna yen aokukwaaatibwa poliisi olina okutegeezebwa mu butongole, ekiseera kyebakukwaatiddemu; ensonga okukwaasizza n'emisango gyonna emirala ekikuvunaanwa.
- Otegeezebwa eddembe lyo okuweebwa omukisa okwogerako ne looya wo, munnamateka oba omuntu wo yenna gw'olina okuwuliziganya naye.
- Oweebwa omukisa okutegeeza abenganda zo nti okwaatiddwa poliisi n'ekifo gy'otwaaliddwa.
- Bwekiba kyetaagisa, oweebwa omutaputa okukuvvuunulira ng'obuuzibwa poliisi.

- Omuntu yenna bwakwatibwa poliisi alina okutwaalibwa mu kkooti mu bbanga eritassukka ssaawa 48.




**69. Poliisi esobola okunkwaata nebaako wenkuumira mu kifo ekyekusifu oba netabaako gwetegeeza kukukwaatibwa kwange?**

Tekikkirizibwa. Poliisi evunanyizibwa okukutegeeza wamu n'abantu bo wa gyebakutwaala era lirina kuba kkomera erikirizibwa omusibirwa abantu. Era poliisi olukuyingiza ekkomera, olwo yeba evunanyizibwa ku byonna ebikutuukako omuli n'okukuuma eddembe lyo obutatyoboolwa. Ekiddako, poliisi erina okuwandiika mu kitabo kyayo (station's diary) ddi lwewakwaatiddwa na ddi lwewabuuzibwa poliisi ebibuuzo ku musango ogukuvunaanibwa. Era bino birina okuwandiikibwa ne mukitabo ky'omupoliisi okola okunoonyerezza ku musango ogwo. Era olukalala lw'abasibe bonna abakakwaatibwa mu ssaawa ezitakka wansi wa 24 balina okutimbibwa nga bwebawandiikiddwa mu kitabo kya poliisi.

N’ekisembayo, okuva lwekiri nti okkirizibwa okuwuliziganya ne looya nga obuuzibwa ebibuuzo ku musango ogukuvunaanibwa, abenganda zo n’emikwaano gyo bateekwa okumanya wooli era nga bakuwuliza bulungi.

**70. Omupoliisi asobola okunkuumira ku poliisi oba nsobola okuva ku poliisi wonna wenjagalira?**

Poliisi bweba nga yakukutte olw’ensonga emanyiddwa olina kukuumirwa mu kkomera. Bwoba wayitiddwa poliisi okubaako by’oginyonyola kolagana olina okukolaganira awamu ne poliisi oddemu ebibuuzo ebikubuuzibwa. Naye era kino kituuka ne kiggwa. Poliisi ate terina kukulinza kisukkiridde ku poliisi.

**71. Singa ate owa poliisi annemesa okuva ku poliisi, nina kukola ntya?**

Buuza omupoliisi yenna awo awatuukirwa lwaaki bakyakukuumira ku poliisi oba saba oyogereko n’omupoliisi akulira poliisi eyo.

Ekirala ekikulu, looya wo, oba abenganda zo oba mikwano gyo basobola okuddukira mu kkooti enkulu nebasaba oteebwe bu nnambiro (habeas corpus).

**72. Habeas corpus kitegeeza ki?**

Kuno kuba kusaba okuteebwa okuva mu kkomera oluvanyuma lw’okukuumibwa mu kkomera mu bukyamu era nga enkola eno emaze myaaka na bisiibo. Kitegeeza “okuta omuntu.” Kkooti z’amateeka – kkooti enkulu oba kkooti ejulirwamu okusaba kuno mwekukolebwa. Kkooti bwefuna okwemulugunya kuno nti omuntu eyabula yasembayo kulabibwaako nga akuumirwa mu kaduukulu ka poliisi, kkooti eragira poliisi okuta omuntu oyo bunnambiro bwewaba nga tewali nsonga yamazima emusibya. Era bwaba nga yasibwa mu bukyaamu poliisi esobola n’okulagira okumuliyirira.

**73. Waliwo engeri endala yonna ey'okuzuula omuntu eya kwaatibwa poliisi naye nga tamanyiddwa wa waali?**

Tegeeza ekitongole ekivunanyizibwa ku ddembe ly'obuntu mu Uganda ki Uganda Human Rights Commission oba ebitongole ebirala ebirwanirira eddembe ly'obuntu. Basobola okukuyamba okuzuula wa omuntu wo gyeyasibirwa. Osobola n'okuwaaba eri omupoliisi owa waggulu.

**74. Omupoliisi asobola okunkwaata nga tambuulidde nsonga lwaaki?**

Tekikkirizibwa. Omupoliis yenna alina okukubuulira ensonga lwaaki okwaatibwa. Poliisi okukukwaata wateekwa kubaawo ensonga ennambulukufu lwaaki. Eky'okulabirako, omuntu asobola okukwatibwa singa asangibwa wakati mu kikolwa ekimenya amateeka; oba nga okunoonyereza kwonna kuraga nga yavunanyizibwa ku musango oguzziddwa; oba singa azuulwa nga ayamba oba nga alina gweyayambako okumenya amateeka. Wateekwa okubaawo ensonga etegeerekeka obulungi emukwaasa. Omuntu okuwaayo erinnya ku poliisi er'oyo gweyemulugunyaako tekimala ku mukwaata kumusiba. Wateekwa okubaawo obukakafu oba obujjulizi obumala.

**75. Poliisi bweba nga nze gweteebereza okuzza omusango esobola okukwaatiramu n'abewange?**

Nedda. Guluma yagguzza. Buli muntu alina okusalirwa omusango oba okwejjeerezebwa okusinziira ku bikolwa bye so ssi kuluganda lwalina n'oyo ateeberezebwa okumenya amateeka. Buli muntu aba n'eddembe lye nga omuntu okujjako nga yazzizza omusango. .

Poliisi tesobola kutiisatiisa ba nganda zange oba mikwano gyange okubasiba ku lwange. Awo baba bazizza musango ogw'okuwamba oba okubuzaawo omuntu.

Wadde nga omusango poliisi gwekolako munene nnyo, tebasobola ate kumenya mateeka kuwaliriza oyo ateeberezebwa okuzza omusango okukkiriza ky'ataakoze. Era ow'oluganda lwo yekka asobola okukwaatibwa yoyo aliko engeri yonna gyeyenyigira ye kenyini mu ku menya amateeka.

**76. Omupoliisi asobola okujja ewange eka nga simuyise nayingira nanjaza nabaako n'ebintu by'atwaala?**

Tekitera kubaawo. Poliisi okuyingira enju yo batera kukikola nga ggwe obayise. Poliisi n'ebweeba nga ekuteebereza okukweeka omumenyi w'amateeka, oba okubaako n'ebintu ebibbe mu nju yo oba eky'okulwanyisa ky'olina mu bukyamu, okuyingira ewuwo bayingirayo balina ekiragiro (search warrant) okuva eri omulamuzi. Wabula singa oteeberezebwa okumenya amateeka, era nga waliwo n'ebizibiti ebiteeberezebwa okubeera mu nju ewuwo era nga waliwo okutya nti bikyabola okubuzibwawo, olwo basobola okujja ewuwo nebaaza ennyumbayo nga tebanafuna lukusa lwa mulamuzi.




**77. Search warrant kitegeeza ki?**

AKino kyekiragiro okuva mu kkooti ekiwa poliisi obuyinza okuyingira n'okwaaza amaka go.

Amaka g'abantu ne wofiisi zaabwe biba bifo by'abwannanyini obuyinza bwebatayinza kumala gayingiramu awatali nsonga etegeerekeka obulungi. Etteeka likirambika bulungi nti oyo yenna

ayagala okuyingira atteekwa okusooka okunyonyola lwaaki ayagaala okulinyirira eddembe lyo eryo. N'olwekyo poliisi erina okugenda ew'omulamuzi singa eriyo eby'amaguzi, empapula oba abantu abekweese mu kifo ekyo nga bakubayamba okulwanyisa obumenyi bw'amateeka. Omukulu owa poliisi nga tannayingira alina okusooka okukulaga ekiwandiiko okuva ew'omulamuzi (written warrant) ekimukkiriza okuyingira. Ate era nga balina kukikola na bwegendereza obutamala gonoona bintu.

**78. Waliwo amateeka agenjawulo mu kwaaza n'engeri abakyala gyebalina okuyisibwamu nga bali mu kkomera?**

Ye. Eky'okulabirako omukyala munne. Ekirala abakyala abakwatibwa neggalirwa balina okukuumibwa mu kifo ekyenjawulo ku ekyo awakuumirwa abaami.

**79. Waliwo amateeka agenjawulo agakola ku baana?**

Ye. Mumateeka abaana bonna abali wansi w'emyaaka ekkumi n'ebiri tebasobola kusalirwa musango gwonna. Basobola okutwaalibwa ku poliisi era polisi kyerina okukola kwekubatwaala mu kitongole kyaayo ekikola ku baana.

Etteeka ly'abaana (Children Act) lirambika bulungi ebirina okugoberera nga obuuza, nga okwaata, nga oggalira mu kkomera n'okuta abaana abali wakati w'emyaka 12 ne 18. Abaana balina amateeka agenjawulo era poliisi erina okubayisa mu ngeri eyenjawulo.

- Poliisi esobola okusalawo okukwaata omwana nemubuuza ebibuuzo bwemala nemulabula bulabuzi nemuta, omusango neguggalawo netamuggulako misango mirala.
- Omwana bw'akwatibwa, abantu abamuvunanyizibwako ng'abazadde oba abayambi baabwe balina okutegeezebwa n'okweyanjulirawo ku poliisi okwanukula ebibuuzo byebabetaaza okuddamu.
- Abaana balina okweyimirirwa oba okuweebwa bail, kubwaabwe okusinziira ku ebyo bye bawandiise (nga basuubiza okweyanjulanga mu kkooti) oba okweyimirirwa bazzadde baabwe okujjako nga waliwo obulabe obwaamanyi obuyinza okutuusubwa ku mwana.

- Abazzadde bwebaba tebaliiwo, nga waliwo obuzibu obuyinza okutuusibwa ku mwana oba ensonga yonna endala emulemesa okweyimirirwa, omwana olwo aba alina kutwaalibwa mu kkomera ly'abaana (remand homes) mu kitundu ekyo okutuusa okutuusa lwakomezebwaawo mu kkooti.
- Abaana balina okukuumibwa mu bifo eby'enjawulo ku by'abantu abakulu era balina n'ebbanga lyebatalina kussuka nga tebannasalirwa musango.
- Enkola esinga okugobererwa poliisi ne kkooti kwekulaba nga buli ekikolebwa ku baana bano kyekyo ekigwanidde, era nga eky'okubatwaala mu makomera gaabwe kiweebwa omukisa ogusooka.

**80. Mu kkomera nina kumalamu bbanga ki?**

Okusinziira ku Ssemateeka wa Uganda, omuntu talina kumala mu kaduukulu ka poliisi banga lisukka saawa 48. Omuntu aba alina okutwaalibwa mu kkooti nga tewanayita ssaawa 48. Era okusinziira ku mateeka agagobererwa poliisi, oyo asibiddwa alina okuwaayo okusaba kwe eri omulamuzi mu saawa 48. Era ekiseera ekyo bwekiyita, omulamuzi alina okulagirwa omuntu nateebwa.

Abakungu abamu bagezaako okwebuzaabuza nebakuumira abantu ku poliisi mu bukyamu. Eky'okulabirako basobola okwekwaasa mbu bakyanoonyereza ku mukwaate era nebasalawo okumukuumira mu kaduukulu ka poliisi ekiseera kyonna mwebakolera okunoonyereza kwabwe. Ebikolwa ebyo bimenya mateeka, kuba



wadde guli gutyo – tewannabaawo kyonna poliisi ky'esobola kwekwaasa kukuumira muntu mu kkomera bbanga lissukka saawa 48 nga omusibe tanatwaalibwa mu kkooti.

**81. Lwaaki abantu abakwaatibwa nebasibwa ku lw'okutaano bakuumirwa mu bubuukulu bwa poliisi okutuusa ku Bbalaza?**

Oyo yenna ali mu kaduukulu ka poliisi nga ateeberezebwa okuzza omusango, essaawa ze 48 bweziba ziggwaako ku wikendi yonna aba alina kugimala mu kaduukulu kubanga kkooti tezikola ku nnaku zonna ez'okuwummula okusobola okusala omusango gwe.

**82. Abantu bategeera batya gyendi?**

Etteeka liwa obukuumi omuntu yenna obutabuzibwaawo mu ngeri etategeerekeka. Poliisi olukukwaata erina bingi byebalina okukola. Balina okukuwa omukisa okutegeeza looya wo oba--owa gavumenti naddala ku misango egya nnaggomola. Balina okutegeeza ow'oluganda lwo oba mukwano gwo wa gyebakututte. Bino byonna birambikiddwa mu mateeka okwewala poliisi okukozesa obubi obuyinza bwabwe. Singa poliisi eremwa okugoberera amateeka gano olwo nayo eba erina okwenyonyolako mu kkooti.

**83. Ddembe ki lyenina okuba nalyo mu kaduukulu ka poliisi?**

Omupoliisi talina kukukuba, okukuba oluyi oba okukutiisatiisa nga oli mu kaduukulu. Akatundu ka 24 mu Semateeka wa Uganda kakugira omupoliisi yenna okutulugunya oba okuyisa omuntu yenna mu ngeri emutyoboola. Mu katundu aka 25 mu Police Act atulugunyiziddwa asobola okwekubira enduulu ew'omulamuzi era omupoliisi amutulugunyizza navunanibwa. Okusinziira ku Prevention and Prohibition of Torture Act okutulugunya guba musango era omukulu akola ekikolwa nga ekyo alina asobola okusibwa mu kkomera emyaaka egitakka wansi wa 15 oba okusasula obukadde musanvu mu emitwaalo abiri oba okukola byombi.

**84. Omupoliisi asobola okunkaka okubaako byempandiika ku poliisi oba okwetonda?**

Nedda. Omupoliisi alina kukubuuza bubuuza so ssi kukikirizisa ebyo byotalinaako ky'omanyi, by'otayagala kwogerako oba okwetonda

ku musango gw'otazizza. Era omupoliisi talina kukutusaako buvune nga oli mu kaduukulu – ekyo kiba kimenya mateeka era naye aba asobola okusibwa mu kkomera oba okutanzibwa olw'ekikolwa ekyo .

**85. Eddembe ly'omuntu ateeberezebwa okuzza omusango lirina engeri gyeriremesaamu poliisi okukola emirimu gyayo?**

Eddembe ly'omusibe teririna ngeri yonna gyeriremesaamu poliisi kukola mirimu gyaayo. Buvunanyizibwa bwa poliisi okukola emirimu gyaayo mu ngeri eyekikugu nga terina ngeri yonna gy'erityoboolamu ddembe ly'abantu. Tebalina kumuyisa nga gwegwasinze edda kubanga n'okugumusalira kirina kukolebwa kkooti. So ate nga n'abo abali mu makomera balina okuweebwa obukuumi obutayisibwa bubi n'okulangibwa obwemage. Yensonga lwaki waliwo "obukwakulizo" obwo okukakasa nga kkooti esalawo mu bwenkanya.

**86. Naye amateeka ate nga mangi agakuuma abavunaanibwa? Olwo ate abo bebasobezza?**

Abantu bangi balowooza nti teri afaayo ku oyo gwebasobezza. Ekituufu kiri nti eggwanga libeera mabega wooyo gwebasobezza. Era kyekigitwaala okunoonya n'okukwaata oy'omumenyi w'amateeka. Era eggwanga kyeriva lironda oyo avunaana mu kkooti okuvunaana oyo asobezza munne. Era eggwanga okubonereza oyo asobezza munne likikola ku lw'oyo gwebasobezza. Naye ate oluusi ayinza okuba nga alangibwa bwemage. N'olwekyo nga eggwanga lirina okuvaayo okulaga obwenkanya. Etteeka likirambika okuteekawo ebitongole eby'amateeka nebalooya ba gavumenti okuwolereza abo ababa bavunaanibwa ogw'okutta omuntu, okulya mu nsi ye olukwe, okukaka omuntu ekikolwa eky'okwegatta, okwegatta mu by'omukwano n'omuntu atanetuuka.

**87. Police bond oba akakalu ka poliisi kitegeeza ki?**

Police bond kwekusaba okukolebwa poliisi okuta akwatiddwa ku kakalu ka poliisi nga bwebakyakola okunoonyereza. Police bond tebayaakusasulira. Era nga kino kirambikiddwa bulungi mu katundu 38 ak'amateeka ga poliisi (Police Ac). Omuwendo gwa ssente ogugerekebwa ku bond okwo guba gwakusasulwa mu kkooti singa alemererwa okweyanjula nga bwekyeyamiddwa. Obumu

ku bukwakulizo obuteekebwa ku oyo awereddwa poliisi bond kwekweyanjulanga ku poliisi mu nnaku eziba ziragiddwa. Singa alemerewa okuzituukiriza obukwakulizo obwo olwo omupoliisi asobola okuddamu namukwaata natwaliibwa mu kkooti.

**88. Ate Omusingo (bail) gwo gutegeeza ki?**

Guno gwemusingo oguteekebwawo, nga omuwendo gw'ensimbi oba okweyimirwa omuntu ow'obuvunanyizibwa okusobola okuta omuntu mu kusaba okukolebwa mu kkooti. Ensimbi zisobola okubeera oba obutabeera zaabuliwo. Ensimbi ezo oba oyo amweyimiridde yakola nga omusingo okusobola okukomyaawo omusibe mu kkooti.

**89. Buli muntu wa ddembe okusaba okuteebwa ku kakalu ka poliisi (Police bond)?**

Buli muntu asobola okusaba okuteebwa ku kakalu ka poliisi (police bond). Wabula olumu basobola okukugaana okuteebwa ku kakalu ka poliisi poliisi bweraba nga wetaaga obukuumi obutatuusibwaako bulabe oba obutatuusa ku bantu balala bulabe naddala ku misango egya nnaggomola w'osobolera okutataaganya okunoonyereza oba ensonga yonna endala. Kiva eri poliisi okukuta ku kakalu kayo oba okugaana okukuta.Okuteebwa kukakalu ka poliisi tekukolebwa ku abo ababa bazizza emisango egya nnaggomola.

**90. Olwo nkola ntya poliisi bwegaana okunta ku kakalu kaayo?**

Osobola okuwaayo okusaba kwo eri kkooti okuteebwa mu ssaawa ezitasukka 48 okuva lwewakwaatibwa.

**91. Singa poliisi enta ku kakalu kaayo kitegeeza ndi waddembe okulya obutaala?**

Nedda. Oba olina okugoberera obukwalizo bwonna poliisi bweyakuteekako nga ekuta kukakalu kayo. Ekyokulabirako okweyanjulanga ku poliisi era singa kikulema okutuukiriza poliisi esobola okuddamu nekukwaata. Kkooti okutuusa lwesalawo oba ddala olina omusango oba nedda.

## D: OKWEMULUGUNYA KU BAPOLIISI

**92. Abapoliisi bali wa ggulu w'amateeka?**

Nedda teri muntu ali waggulu w'amateeka. Abapoliisi balina okugoberera amateeka nga bwegawandiikiddwa mu ssemateeka w'eggwanga. Buli poliisi kyekola kyonna erina okukikola okusinziira ku mateeka, bwekitaba bwekityo poliisi yeba evunanyizibwa ku teeka erimenyeddwa.

Omupoliisi yenna asuubirwa okubeera omukakkamu, omwesimbu, omukuumi w'amateeka ate nga assaamu abantu ekitiibwa.

**93. Abapoliisi bo byebaagala byebakola?**

Nedda. Okujjako nga kiri mu mateeka. Era bebasinga n'okuba n'amateeka mu buli kyebakola. Gano galambikiddwa mu Ssemateeka wa Uganda, Poliisi Act, ne Uganda Poliisi Standing Orders, Criminal Procedure Code Act n'amateeka amalala, ebiragiro bya kkooti.

**94. Watya singa omupoliisi ate alemererwa okugoberera amateeka?**

Osobola okwemulugunya eri mukamawe amutwaala oba eri ssenkulu wa poliisi, okusinziira ku bukulu bw'ensonga. Bwaba nga kyakoze atyobodde n'eddembe ly'obuntu olw'osobola n'okwekubira enduulu eri ekitongole ekirwanirirra eddembe ly'obuntu ekya Uganda Human Rights Commission oba ebitongole bilala ebikola ku embe lyo'buntu. Kiba kirungi okwemulugunya kwo okukole mu buwandiike oweebwe ne alisiita ekakasa.

**95. Omupoliisi asobola okubonerezebwa singa azza omusango?**

Ye. Era nga bwekiri ku muntu yenna omulala owa bulijjo omupoliisi asobola bulungi okubonerezebwa singa amenya amateeka. Police Act eraga empisa n'amateeka abapoliisi gebalina okugoberera saako ekibonereza ekiweebwa aba amenye amateeka ago. Era nga bwekiri ku muntu omulala yenna omupoliisi asobola okuvunaanibwa n'okubonerezebwa kkooti z'amateeka.

**96. Kiki kyemba nina okukola singa omupoliisi alemererwa okunyamba?**

Omupoliisi talina kulagajjalira mulimu ggwe, oba okulwaawo okutuukiriza ekyo kyalina okukola. Singa akikola olwo osobola okuwaayo okwemulugunya kwo eri omupoliisi oyo.




**97. Nsobola ntya okwemulugunya ku mupoliisi era nina ku kikolera wa?**

Omuntu yenna akoseddwa ekikolwa ky'omupoliisi asobola okwemulugunya ku mupoliisi oyo nga yemulugunyiza ekitongole kya poliisi ekikuuma omutindo poliisi kweddukanyiza emirimu gyaayo ekya Professional Standards Unit. Kino kisangibwa mu buli bitundu by'eggwanga.

Omuntu akyasobola n'okwemulugunyiza omupoliisi omukulu atwaala oyo aba amusobezza okugenda eri omuduumizi wa poliisi ku distulikiti (DPC) nabamusingako. Ensonga zisobola okutwaalibwa mu kkooti ya poliisi ekwasisa empisa.

Osobola okuwaayo okwemulugunya kwo nga obawandiikira email, nga okuba essimu; okwesitula n'obasisinkana oba n'okubawandiikira ebbaluwa mu butongole.




**98. Kiki ekiddirira okwemulugynya kwange?**

Okunoonyereza kukolebwa era singa kizuulibwa nga kituufu, omupoliisi oyo alina okusuubira ekimu ku bino; okugobwa ku mulimu, okukakkanyizibwa okuva ku ddaala kw'abadde, okusindikibwa mu luwummula lwateyagalidde, okulabulwa n'okusaba okwetonda.

Oluvanyuma lw'okunoonyereza singa kizuulwa nga ddala omupoliisi yamenya amateeka g'eggwanga olwo asalirwa omusango mu kkooti z'amateeka.

Wabula bwekizuulibwa nga omupoliisi talina musango, oyo eyemulugunya ategeezebwa mu butongole.

**99. Singa nemulugunyiza mu poliisi munne tasobola kugaana kwongerayo kwemulugunya kwange eri mu poliisi munne?**

Olumu ekyo kibaawo. Naye ensonga tolina kuzikomyaawo. Osobola okwemulugunya eri omupoliisi yenna omukulu akulira poliisi mu kitundu kyo ku mupoliisi yenna ayolesezza obukambwe obusukkiridde, empisa ensiwuufu, okulagajjalira omulimu gwe, oba okukozesa obubi obuyinza. Ekyo bwekigaana olwo osobola okuwandiika, oba okukuba essimu eri ekitongole ekirwanirira eddembe ly'obuntu ekya Human Rights Complaints nekyo ekikuuma omutindo poliisi kweddukanyiza emirimu gyaayo ekya Professional Standards Unit ku ssimu zino: 0800200019, 0800199199, 0800199299, bwekiba nga ensonga etyoboola eddembe ly'obuntu, ensonga zirina okuloopebwa eri ekitongole ekya Uganda Human Rights Commission.

**100. Wa awalala wensobola okutwaala okwemulugynya kwange?**

Bwoba toyagadde oba tosobodde kwemulugunyiza poliisi oba nkola yaayo, oba ew'omulamuzi, osobola okutwaala okwemulugunya kwo mu bitongole ebirala ebyateekebwawo okulwanirira eddembe ly'obuntu. Okwemulugunya ku kutyoboola eddembe ly'obuntu,



osobola okutwaala okwemulugunya kwo eri ekitongole kya Uganda Human Rights Commission. Bwoba wemulugunya ku buli bwa nguzi osobola okwemulugunya eri kalondoozi w'ensaasanya ya gavumenti Inspector General of Government (IGG) ne Director of Public Prosecutions.

Ebitongole bino bijja kutunula mu kwemulugunya kwo bikole okunoonyereza okusinziira ku buyinza obubaweebwa, era basobola okulagira omupoliisi yenna okukwaatibwa, okuteebwa, oba okulagira akoseddwa okuliyirirwa. Naye nga okwemulugunya kumupoliisi yenna kusobola okutwaliibwa mu kkooti yonna.

**101. Ekitongole ekirwanirizi ky'eddembe ly'obuntu ki Uganda Human Rights Commission kiyamba kitya okulaba nga poliisi tekozesa bubi buyinza bwaayo?**

Ekitole kya Uganda Human Rights Commission kirina entabiro y'okwemulugunya, okunoonyereza n'obuyambi mu by'amateeka (Directorate of Complaints, Investigations and Legal services) nga bikolebwa okunonyereza ku kwemulugunya okukolebwa ku kutyoboolebwa kw'eddembe ly'obuntu. Nga ojjeeko okufuna okwemulugunya, ekitongole kisobola okusalawo okukola okunoonyereza ku nsonga eyo ku bwaakyo. Ekotongole kino ki UHRC akatundu 52 aka Ssemateeka w'eggwanga kakiwa obuyinza okutuukiriza omulimu ogwo. N'olwekyo, singa omupolisi yenna atyoboola eddembe lyo, osobola okuwaayo okwemulugunya kwo eri ekitongole kino era kijja kukola okunoonyereza ku nsonga yo oyambibwe.

Oluvanyuma lw'okunoonyereza, ekitongole kino kisobola okusalawo eky'okukola nga okutwaala omusango mu kkooti, okuwandiika ebbaluwa ezirabula, okutabaganya, okulagira ekitongole ekivunanyibwa ku kubonereza abamenyi ba amateeka (Director of Public Prosecutions) okubonereza gwegusinze, n'okuliyirira etc.

Ekitongole kiweebwa obuyinza okulambula okwekebejja n'okwekeneenya amakomera gonna omusibira abantu okukakasa nga ddala gatuukana n'omutindo okwewala okutyoboola eddembe ly'abantu.

## EBIGATIDDWAAKO

### EKIKULA KY'ABAPOLIISI KU MADDAALA AGENJAWULO NGA 30/9/2013 (UPF 2013)

| EDDAALA | ABASSAJJA | ABAKYALA | OMUGATTE |
|---|---|---|---|
| IGP | 1 | | 1 |
| D/IGP | 1 | | 1 |
| AIGP | 12 | 2 | 14 |
| SCP | 12 | | 12 |
| CP | 39 | 3 | 42 |
| ACP | 77 | 10 | 87 |
| SSP | 103 | 10 | 113 |
| SP | 357 | 48 | 405 |
| ASP | 873 | 224 | 1097 |
| IP | 970 | 275 | 1245 |
| AIP | 1736 | 329 | 2068 |
| SGT | 2330 | 546 | 2876 |
| CPL | 4953 | 1038 | 5991 |
| PC | 13860 | 2831 | 16691 |
| SPC | 4088 | 670 | 4756 |
| CVNS | 263 | 128 | 441 |
| PPC | 4241 | 991 | 5232 |
| OMUGATTE | 33916 | 7105 | |
| OMUGATTE OGWAWAMU | 83% | 17% | 41,072 |

## Acknowledgement

Ekitongole kya Human Rights Network Uganda (HURINET–U) kye kibiina omweggattira ebibiina ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu nga kyatandikibwawo mu mwaka gwa 1993 nekiwandiisibwa mu butongole nga ekitongole eky'obwa nnakyeewa mu mwaka gwa 1994. Ekibiina kino ekya HURINET–U kati kiweza ebibiina eby'obwa nnakyeewa ebiwerera ddala 51 nga byonna biriku kaweefube ow'okukulwanirira eddembe ly'obuntu nga muno mulimu; eddembe lyomunnansi muby'obufuzi, eddembe ku by'enfuna, eddembe ly'abaana, eddembe ku kikula ky'omuntu n'ensonga z'abakyala, okutabaganya n'okuleetawo emirembe, eddembe ly'abasibe.

HURINET–U ekuumye omutindo mu kawefube waayo mukutumbura n'okulwanirira edembe ryobuntu wano ku ssemazinga wa Africa ne mu nsi yonna. Ekyaaza n'okutuuza entuula ez'enjawulo nga: Coalition on freedom of information; Uganda coalition on the international criminal court; coalition on ESCRs; coalition on police Reform accountability n'ebirala.

Ekigendererwa kya HURINET–U ekikulu kwe "kumalirawo ddala okutyoboola eddembe ly'obuntu" ngakiyita mukutumbula, okukuuma n'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu mu Uganda nga kitetendeka n'okunyweeza obusobozi bw'ebitongole byaakyo ebya wano mu gwanga, ku ssemazinga ne ku ddaala ly'ensi yonna.

Bino by'ebigendererwa by'ekitongole kya HURINET–U:

1. Okutumbula n'okukuuma eddembe ly'obuntu nga bwerirambikiddwa mu ssemateeka wa Uganda. Owa ssemazinga n'ensi yonna okutwaalira awamu.
2. Okutumbula enkolagana n'okukolera awamu eri ebitongole byonna ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu mu Uganda;
3. Okugabana obulungi amawulire, ebikozesebwa n'abakozi mu bitongole ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu mu Uganda.
4. Okwekeneenya ebituukidwaako ebitongole ebirwanirizi by'eddembe ly'obuntu mu nteekateeka zaabwe ezenjawulo ku ddembe ly'obuntu eri ba nna Uganda n'ebirala.

The national Coalition on Police Accountability and Security Sector Reform working Group members;

1. Human Rights Network Uganda (HURINET–U)
2. Foundation for Human Rights Initiative (FHRI)
3. Federation of Uganda women Lawyers (FIDA)
4. African Centre for the Treatment and Rehabilitation of Torture Victims (ACTV)
5. Uganda Prisoner's Aid Fundation (UPAF)
6. Human Rights Concern (HURICO)
7. Advocate Coalition for Development and Environment (ACODE)

Commonwealth Human Rights Initiative

Human Rights Network-Uganda

**Commonwealth Human Rights Initiative**
B–117, 2nd Floor, Sarvodaya Enclave, New Delhi – 110 017
Tel: +91 –(0)11 4318 0200
Fax: +91 –(0)11 2686 4688
E-mail: info@humanrightsinitiave.org
Website: www.humanrightsinitiative.org

Human Rights Network Uganda and the National Coalition on Police Accountability and Security Sector Reform
Plot 94, Old Kiira Road, Ntinda
P. O. Box 21265 Kampala
Tel 1: +256 (0) 414286923
Tel 2: +256 (0) 414286881
Fax: +256 (0) 414286881
Email: info@hurinet.or.ug
Website: www.hurinet.or.ug

British High Commission-Kampala